## MMOTOKA ESSE OMWANA E MBALE

OMWANA ow'emyaka etaano, atomeddwa mmotoka n'afiirawo bw'abadde agezaako okusala ekkubo. Akabenje kaabadde ku kyalo Bundege ku luguudo oluva e Mbale okudda e Bulambuli. Loole ekika kya Fuso nnamba UBQ 671D ng'evugibwa Deo Mupanda omutuuze w'e Namanyonyi e Mbale, bw'etomedde Hilda Khalayi 5 muwala wa David Makayi omutuuze w'e Budenge e Sironko. Omwana ono, abadde ne banne, kigambibwa nti yabavuddeko n'agezaako okusala ekkubo, mmotoka we yamutomeredde n'emuttirawo. Omwogezi wa poliisi e Mbale, Rogera Taitika, agamba nti, ddereeva baamukutte ne bamuggalira ku poliisi e Sironko ng'okubuuliriza bwe kukolebwa.